# P360/2

**LUGANDA**
**Paper 2**
**July 2026**

**LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION (LTA)**
(*UACE*)

**Olupapula olwookubiri**
**(Litulica)**
**Esaawa ssatu**

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri;* ***A*** *ne* ***B****.*
- *Ekitundu* ***A*** *kya* ***buwaze****.*
- *Mu kitundu* ***B*** *kolamu* ***ennamba emu****.*
- *Awamu* ***ddamu ebibuuzo bibiri****.*
- *Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa okuddamu* ***tebijja kugololwa.***

## EKITUNDU A

1. Okuwandiika ekiyiiye.

Eyo mu kitundu gy'obeera abavubuka bangi bettanidde okukozesa ebiragalalagala n'ekivudde mu ekyo be bavubuka okwonooneka ate n'okubuzaako abantu b'ekitundu ekyo emirembe. Abakulembeze basazeewo kukozesa biyiiye basobole okulwanyisa ate n'okumalawo embeera eyo. Bataddewo ekirabo kya kavvu wa bukadde butaano eri oyo anaayiiya ekiyiiye ekinaasinga okuggyayo omulamwa.

Wandiika ekiyiiye ekinaasobola okumalawo embeera eyo ate naawe osobole okwefunira kavvu oyo. Bwe guba muzannyo, kozesa ebigambo 600, bw'eba puloozi oba essuula y'olugero (novel), kozesa ebigambo nga 800-900.

## EKITUNDU B

**Ebitabo ebiri ku siraabaasi:**

i. ***Ekuba Omunaku:*** Robert G. Mukasa
ii. ***Okalya Dda Kadda Dda:*** Achilles Zimbe. T
iii. ***Bukya Baggula Bifulukwa:*** Ulysses Chuka. K
iv. ***Teguzibirwa Kkubo:*** Achilles Zimbe. T

v. *Jjegeju:* Ddamba Andrew.K.
vi. *Ssemitego Omuyizzi Kkungwa:* Mercy Mirembe.N.
vii. *Omwoleko Gw'omuganda N'obuwangwa:* Ddamba Andrew.K
viii. *Emboozi Teba Nkadde:* Paul Kitooke Kimala. D
ix. *Ebitontome Ebyomujjirano:* Ssekasi Fredrick.
x. *Abaana ba Uganda:* Mugerwa Umar. S
xi. *Liiso Lya Mukulu:* Ssekasi Fredrick

**Kola nnamba 2 oba 3**

2. Mu musomo gw'olulimi Oluganda ogugenda okwetabwamu n'amasomero amalala ku ssomero lyammwe, omusomesa abasabye mwerondemu omu annyonnyole bayizi bannannwe abanajja engeri abawandiisi b'ebiyiiye gye bazimbamu abatonde baabwe n'ekigendererwa eky'okwewazisa abasomi baabyo enneeyisa ezimu mu bulamu. Kino buli omu mu kibiina atidde okukyaŋŋanga ggwe n'osalawo okikole.

   Weesigame ku kamu ku butabo obulagiddwa waggulu okole omusomesa wammwe ky'asabye.

**Oba**

3. Ekibiina ky'olulimi Oluganda kitegese omwoleso omuli ebiyiiye ebiwandiikiddwa mu Luganda. Ekimu ku bigendererwa kwe kulaga n'okwagazisa abazze mu mwoleso engeri ebiyiiye gye byeyolekeramu ebintu ebiri mu bulamu obwabulijjo ate mu ngeri etuyigiriza ebintu ebitali bimu. Ggwe olondeddwa okwogerera ebimu ku biyiiye ebyoleseddwa.

   Weesigame ku kamu ku butabo obulagiddwa waggulu okole kye bakusabye.

**BIKOMYE WANO**